ENNYINGO - 16

ESEZA NABWAMI KIYINGI OMUNNANSI OMWEYAGAZI

16.1 Eseza Nabwami Kiyingi asigala e Makeerere nga Namwandu

Paulo Kiyingi agenda okufa yaleka abaana be ababiri abasembayo bakyali mu masomero. Sekkadde yali King's College Buddo mu Siniya 2, Naluggya nga ali Makeerere Primary School mu Primary 6. ENK yatwala obuvunaanyizibwa okulaba nga bamaliriza emisomo gyabwe mu masomero, wamu n'okweyongerayo mu maaso okukuguka nga bwebaasobola. Nga bwetulabye waggulu, bakulu babwe baayongera okubawerera mu masomero. Abaana abalala bangi nabo abaasigala awaka e Makeerere nga balabirirwa ENK, ate erudda nabo nga bwebamubeesabeesa. Waaliwo abaana ba banyina ne baganda be, bazzukulu be abava mu baana be awamu n'abenganda abalala bawera. Ekyo kyamuyamba obutafuna nyiike nene nga bba asomose.

Okutwalira awamu yalwaniririra nyo eby'okusoma kw'abaanabe awamu n'okwabaana ba bba, aba banyina ne bagandabe. Yalina ekitone ky'okulabira ewala, naddala ku bikwata ku kuyigiriza abaana be, nti yadde ye yali tagenze wala mu by'okusomakwe, yatemanga empenda okulaba nga abaana bonna abaagala okusoma, ka babe babe oba ba nganda ze, nga basoma. Obutafaananako n'abakyala abalala ab'omulembe gwe, yatakabanira nyo okuyiga kw'abaana be abawala. Era naye bweyatuusa ekiseera nafuna akabanga yaddayo asome emisomo gy'ekikulu, nga agisomera mu Salvation Army Adult Literacy School, awo ku Mailo 2 ku luguudo oluva e Kampala okulaga e Bbombo. Eyo gye yeyongerera okubanguka mu lulimi Oluzungu n'ebirala.

Mu kikaakye ekye Ffumbe amanyibbwa bulungi nga eyali lukulwe mu kulwanirira omutuba gwabwe ogwa Kalumba, ogwali gubuzaabuzibbwa. Kale nga bamutwala nga emu ku mpagi luwaga.

Yayongera okuwereza Obusumba bwe Kanisa ye Makeerere nga Omukebezi, ate era nga omuyimbi mu Kwaya ye Kanisa mwe yayimbiranga eddoboozi lya Alto. Yatuulanga ku bukiiko bwe Kanisa obuwera, oluusi nga memba, olulala nga Ssentebe (Nantebe) wabwo. Oluusi nga kiba kimwetaagisa okugenda ku Bulabirizi e Namirembe okukiikirira Obusumba bwe Makeerere. Nga buli lwe wabaawo emikolo ku Kanisa, gamba nga okukyaza Omulabirizi, nga mu bafumbi be mmere eneegabulwa tatera kubulamu, kyokka ate nga y'omu anayaniriza abagenyi abakulu abo nga Omukebezi, oluvannyuma ayimbe mu kwaya, ate ave awo abasembeze mu kugabula. Leero nga akeetalo kaba kanene. Engeri amakaage gye gaali okumpi ennyo ne Kanisa, oluusi nga akola nga omukuumi ate omuteresi we bintu by'e Kanisa. Yakyaliranga abalwadde n'abakadde mu Busumba. Yabuuliriranga abafumbo abato mu ngeri y'okukuuma obufumbo bwabwe. Abo abatali mu "bufumbo butuufu" (obw'e Kanisa) nga abasalira empenda okulongoosa obufumbo bwabwe. Yali memba mukuukutivu ow'ekibiina ky'Abakyala ba Nakazadde (Mother's Union), kye baakazaako eky'Abakyala Abafumbo mu busobu.

Kyokka ekyewunyisa kiri nti mu mirimu gy'e Kanisa egyo gyonna gyeyalingamu, yafunanga ebiseera okulabirira amakaage, n'abaanabe mu byetaago byabwe. Nga akeera n'amala okulima, nateekateeka emmere gye banaalya eky'e misana (abaanabe baddangayo eka ne balya eky'e misana ky'afumbye, nga tebatera kulya mere ya ku somero). ENK y'omu ku baakyasa ennyo amayuni aga kakobe amakalubo agaava e Tanganyika, nga gawooma nnyo okusinga ameeru amagonvu agaasangibwawo. Yagalimanga mu nnimiroze eze Bwayise, era amayuni ago ne bagakazaako erinnya "Bwayise".

Yali emu ku mpagi luwaga abayimirizaawo n'okutumbula essomero ly'e Makeerere Primary School, abaana be abasinga gyebaasomera oba gye baatandikira okusoma. Nga buli mukulu wa somero eryo yenna asinga kwebuuza ku Muky Kiyingi nga tannaba kuleeta nkyukakyuka ya maanyi yonna mu somero. Yatuulanga ku bukiiko bw'abazadde, nga memba oba Ssentebe kumpi emyaka gyonna gyeyali nga akyesobola mu maanyi. Yalekera awo nga olumbe lutandise okumulya. Yali muteesa mwesimbu, ateerya musobooza. Nga bwateesa ensonga agisimbako erinnyo. Nga akasiimo olw'okuweerezaakwe essomero lye Makeerere Primary School bamubbulamu emu ku nyumba z'essomero ez'abayizi "Eseza Kiyingi House".

Yali mukazi ajjudde obulamu, omusanyufu anyumirwa ebinyumu mu makaage awamu n'aga abenganda n'emikwano, yonna gye baabaanga bamuyise. Nga ayambala gomesi n'akumba, wamma n'akuleka nga nawe oyagala. Nga ayagala nyo okubeera ku mulembe. Omusono gw'abakyala ogw'okwokya enviiri tegwamuleka mabega. Yali omu ku bakyala abaagutandiikiriza ku Makeerere. Era n'abakyala okulya amagi (ekintu ekyali eky'omuzizo ku bakazi) nago yagayiga okugalya. Newankubadde enkoko teyasobola kugirya, kyokka abaana be abawala nga abakkiriza bagirya kyere. Kwe kugamba yali teyeekuumira mabega, nga atambula n'omulembe awamu naye kenyini okugukyusa. Teyali munywi wa mwenge obulamubwe obusinga, naye bweyagenda akula, n'obusanyufu ne kinyumu kye yalina mu bulamubwe, yatandika okunywanga ku ki bbiya, ekicupa kimu oba bibiri byokka. Nga agamba nti kireeta obulamu; oba nti "bbiya mmere ya baana". Omwenge omulala omukambwe nga gw'atayagala, gutabula obwongo. Ate nga ne bbiya akoma ku ccupa emu oba bbiri zokka. Singa yali abaddewo ku mirembe gya leero nkakasa nti yandibadde memba lukulwe mu kulwanirira n'okutumbula eddembe ly'abakyala "Women's Liberation Movement"

16.2 Ennaku za Eseza Nabwami Kiyingi ezaasembayo

ENK yakwatibwa obulwadde bwa sukaali (diabetes) mu mwaka 1982, nga olwo aweza emyaka 73 egy'obukulu. Yameggana nabwo okumala emyaka etaano nga bwajjanjabwa abasawo mu dwaliro ekkulu erye Mulago, awamu n'amalala ageetoolodde Kampala. Wennasemberayo okumulaba mu Agusto 1987, yenna yali awedde ku mubiri. Nali mutwalidde muzzukulu we asembayo obuto, Makula Nabbosa, eyali yakaweza emyezi omukaaga gyokka egy'obukulu. Waayitawo ennaku mbale bubazi nga amaze okulaba muzzukuluwe oyo, n'asaabala. Ne kinzijukiza ebyawandiikibwa ku Simyoni, bye yayogera nga amaze okulaba omulokozi Yesu, era omwava n'oluyimba oluyimbibwa ennyo mu Kanisa, ebisoma bwebiti: "Mukama wange, kakano siibula omudduwo n'emirembe, nga ekigambo kyo bwekyali. Kubanga amaaso gange galabye ……" (Lukka; 2: 29-32).

Eseza Nabwami Kiyingi yafa 23 Agusto 1987, nga aweza egy'obukulu emyaka 78; n'aziikibwa mu kitiibwa kingi ku biggya e Nakaseeta, Mpigi Bulemeezi, okuliraanira ddala bba Paulo Kiyingi weyebase. Abanaddiini, Abakristaayo, abeemikwano n'enganda bangi abaatindigga olugendo okuwerekera omwana wa Katonda oyo, omukyala omwagalwa wa bonna, okutuuka mu kifo eky'ekiwummulo kye ekyenkomerero. Yasikirwa mutoowe Agnes Nabbumba, naye ava mu Asanasiyo Lule Mujugumbya. Ate oyo bweyafa kwe kusikirwa Regina Nabaggala, ava mu kitaabwe (jjajjaffe) Nekemeya Mulinsike e Buwaya.